KIKI EKIRI MULINNYA? (WHAT'S IN A NAME?)

Professor Edward Ddamulira Bewayo

Amannya G'Abaganda Gazikirira

Omuwandiisi w'engero z'olungereza ayitibwa William Shakespeare ye agambibwa nti yeyasooka okwebuuza nti "Kiki ekiri mu linnya?" Yakiddamu nti erinnya temuli kintu kikulu n'akamu, nti amannya gaba majingirire bujingirizi. Kirabika nti Shakespeare yali tagereesa ku manya g'Abaganda. Kiki ekiri mu linnya ly'Omuganda? Kinene nnyo! Eky'omukisa omubi amannya g'Abaganda gazikirira. Embeera eno ebaddewo ebbanga eriwera. Mukitabo kye "Amannya Amaganda N'ennono Zaago" ekyawandiikibwa emyaka asatu egiyise, omugenzi Michael Nsimbi yennyamira okulaba amaka g'Abaganda mangi omukozesebwa erinnya ly'ekiganda erimu lyokka. Tugambe awaka waliwo abantu mukaaga bonna nga bayitibwa Katamba. Mumpisa z'Abaganda mumaka gano mwandibaddemu amannya ag'ekiganda mukaaga mulamba. Tugambe wandibaddewo Katamba, Nansubuga, Katende, Nakijoba, Jooga ne Nabunya. Amannya agasembyeyo ana waggulu gegandibadde ag'abaana bawaaka. Enakku zino waliwo ettutumu buli mwana okuyitibwa erinnya lya kitaawe. N'olwekyo amannya gano ag'abaana tegabatuumwa. Mungeri eno ekika kyabwe kiba kifiriddwa akakisa k'okutuuma amannya ana malamba. Tebereeza! Olusi abaana batumibwa amannya g'ebika, naye tewali agabayita, gasigala nga mannya masirisse (middle names). Okutuuma omwana erinnya n'otalimuyita oba obutalimukazaako, tekirina mugaso munene, newankubadde kisingaako obutatuumira ddala mwana linnya lyakika. Ebintu byatuuka bitya wano? Ensonga ziringa satu:1, okwagala okweyisa ekizungu, 2, obutamanya nnono z'amanya g'Abaganda, 3,obugayavu n'obutafaayo ku kintu ky'amannya g'Abaganda.

Okwagala Okweyisa Ekizungu

Okwagala okweyisa ekizungu sikipya. Abaganda tubadde tukoperera abazungu ebbanga ddene. Ebimu ku byetukopye byekwasa kumpisa zaffe ez'obuwangwa, tugambe enyambala n'engeri gyetusinzaamu Katonda. Wabula tulina okwefumintiriza oba n'amannya gaffe gandisanyeewo kubanga twagala kweyisanga bazungu. Nga bwetwalabye waggulu, amannya g'Abaganda kikulu nnyo. Mu Baganda erinnya kye kyambalo ky'ekika. Ate ebika gwe mulamwa gw'empisa z'obuwangwa mu Buganda. Erinnya lyeliyanjula ekika ky'Omuganda eri Muganda munne. Ebika byaffe tebisobola kubaawo awatali mannya gaabika. Okukoperera abazungu kye kigunzizza erinnya ly'amaka (family name). Ettutumu (fad) ly'erinnya ly'amaka lifuuse namuzissa w'amannya g'Abaganda. Abawaaka bonna bwe baba bayitibwa Katamba, bazukkulu b'omumaka ago abava mu baana abalenzi bonna bayitibwa Katamba. Amannya g'ekika amalala mangi gaba gadibye. Ekika ekirina amannya amangi, olusi nga gasukka n'ekikumi, kifirwa kinene nnyo singa linnya limu lyelitumibwa mu maka.

Erinnya ly'amaka (family name) likola bulungi mu bazungu, kubanga kirabika abazungu tebalina mannya mangi nga Abaganda. Ekirala, abazungu omuwandiisi wano bamanyiiko tebalina bika, nga bwetubitegeera mu Buganda. Amannya amaganda tegakola bulungi nga mannya g'awaka (family names). Ensonga enkulu evaako kino kwekuba nti amannya amaganda gayawulwamu ag'abasajja n'abakazzi. Mubulombolombo bw'Abaganda erinnya ly'awaka (family name) liba lyakisajja. N'olwekyo gyetweyongera okukozessa amannya g'awaka gyetukoma okudibya amannya gekikazzi. Abaana b'awaaka bonna bwebaba bayitibwa Ssekimuli, erinnya ry'ekisajja, n'abawala bonna bagenderamu. Nakimuli, Nakku, ne Nanteza gaba gadibye. Olw'ensonga eno waliwo obwerarikirivu ku nsonga y'amannya g'ekikazzi, gasobola okusaanawo mu biseera ebitali byawala nnyo, tugambe emyaka atano.

Amakulu G'amannya G'Abaganda

Amannya g'Abaganda tegalinga ago Shakespeare ge yayogerako mu lugero lwe "Romeo and Juliet". Mulugero olwo, Shakespeare yagereesa nti erinnya kiwawangulo kyerere, teririna makulu. Omugenzi Michael Nsimbi atujukiza nti "Tewaali linnya ly'Abaganda eriri awo nga ekiwawangulo oba ekisusunku ekyerere" (Amannya Amaganda N'ennono Zaago). Amakulu g'amannya agasingira ddala obukulu gegakwata ku bika. Erinnya ly'omuntu lyogera ekika ky'omuntu oyo. Bwowulira Namigadde owulira mugave. Mungeri eno bwotomanya makulu galinnya lyo kisoboka okuba ngatomyi nakika kyo. Ebiseera eby'edda okuzuula Omuganda atamanyi kika kye kyaalinga kizibu ddala. Ekiseera kino Abaganda abatamanyi bika byaabwe bawerako. Kijja bwekiti: Omuntu asobola okuba nga ava mu maka webatakyatuuma mannya gabika. Buli ali awaka ayitibwa Mukasa oba Musoke, amannya g'Abaganda amakukutivu, naye nga tegalina bika. Olusi buli muntu awaka alina erinnya ly'ekika, naye nga terikozesebwa, lisigala sirisse. Amannya amasirisse, naddala okuva obuto, tegatwalibwa nga ekikulu. Tugambe ggwe Nabankema, naye tewali nomu akuyita Nabankema. Ate era osanga nawe toyagala bakuyite Nabankema. Tewali nsonga lwaki wandifuddeyo okumanya nti weddira musu. S'ekyo kyokka, tojja nakumanya nti Nabankema lyava ku linya lya luzzi. Erinnya ly'ekika lyonna lirina ekintu ekirala kyelitegeza nga ogyeko ekika. Iga, ery'engabi, lisibuka ku kasaka. Ate Nakabugo, ery'enkima, lyo liva ku lusozi. Erinnya Nakalyowa, ery'enjaza, liva kulinnya lya lyato lya Kitanda, omukulu wekika ky'enjaza. Amannya g'ebika agawerako gava mungero z'Abaganda. Erinnya Ssentamu, erituumibwa ab'embogo, lisibuka mu lugero oluggwayo nti " nkadde togiteresa munno." Ate erinnya Namugenyi, ery'ekika kye mpindi, liva mu lugero oluggwayo nti "mubi alisuza abalungi enjala".

Eky'omukisa omubi, mukiseera kino tewali kifo kigolokofu kimu kirimu makulu gamannya g'abika byonna. Ekirala ekikalubya okumanya amakulu g'amannya g'ekiganda kwe kuba nti waliwo amannya agawerako agagattika ebika, oluusi ebika bisatu byonna. Erinnya Ddamulira lituumibwa ab'olugave, ab'embogo, n'abenjovu. Erinnya Namazzi lituumibwa ab'akasimba n'abempologoma. Ate erinnya Lutaaya lituumibwa ab'emamba n'abe^gonge. Ate waliwo amannya g'ekiganda amaganzi ennyo naye nga tegalina bika. Muno mwemuli amannya mwetujukirira Lubaale (Katonda) w'Abaganda, newetujukirira obudde n'engeri omwana gy'azaliddwamu. Amannya

Mukasa ne Namusoke gava kulubaale. Amannya Babirye ne Kityo gava kubalongo. Ate erinnya Musisi likwatagannye n'ekiseera omwana w'azaliddwa. Tosobola kwesigama ku mannya gano waggulu kumanya kikakyo oba eky'omuntu omulala. Amannya gano galetera ddala omutawana munene bwegakozesebwa nga amannya g'awaka(family names). Abaganda abafa kumannya g'ebika batuuma amannya gano naye nga bagaseko amalala, kyetwandiyise amannya aganabansasaana (hyphened names). Wano wetusangira amannya nga Kintu-Musoke oba Wasswa-Ssentaanda. Kintu-Musoke wakika kya ngo, so nga ate Musoke tetumani kika kye. Amannya g'abalongo ag'ekisajja nga Kato gamutawana nnyo bwegakozesebwa nga amannya g'amaka (family names), kubanga olwo gayitibwa nabakazi. Amannya Joyce Kato gatabula emirundi ebiri. Ekisooka, omukyala Joyce Kato simulongo kubanga Kato linnya lyakisajja. Eky'okubiri, tosobola kumanya mukyala ono kika kyeyeddira.

Ogutateganya Teguzza Nvuma

Ensonga endala etusizza wano okuzikirira kw'amannya amaganda bwe bugayaavu oba obutefiraayo. Bajjajjaffe balugera nti ogutateganya teguzza nvuma (No pain no gain). Olugero luno lutuufu kumpi ebbanga lyonna. Era tetwandyewunyiza okulaba nga lutukira n'okugoberera obulombolombo ku mannya g'Abaganda. Obugayaavu oba obutefiraayo ku by'amannya gaffe kirabikira mu bintu bingi. Tugambe okutuuma abaana amanya. Ekyanguyira omuzadde ng'afunye omwana kwekwelondera erinnya lyeyandyagadde omwanawe ayitibwe, nga tafudde ku bulombolombo bwakufuuna mannya maganda. Mumpisa z'Abaganda omuzadde teyetuumiira mwaana we linnya. Erinnya limuweebwa bakulu ku ludda lw'ekika ky'omuzadde oyo. Kino kitegeeza kwebuuza ku bakulu. Ebisendekerezza obutatuusa mukolo guno bingi. Olusi omuntu tayagala kumala budde bwe ku kintu kyayita ekitali kikulu. Abali ebweeru wa Buganda kyangu nnyo okwekwaasa ensonga eno obutanoonya linnya lya mwaana kuva mu bakulu, abali e Kangulumira e Bugerere ewala etyo, nga eky'okulabirako. Ku mirembe gino egy'obusimu (cell phones) kino tekikyali kizibu nnyo, nga bwekyaalinga edda. Awonno wetugambira nti obutatukirira bakulu kukuwa magezi ku mannya g'abaana kiva ku butafaayo. Okwetulinkiriza oba okwewa obuyinza okutuuma omwanawo erinnya nga tewebuzizzako mu bakulu sikyandirese mutawana munene singa oyo eyelondera erinnya amanyi ekimala ku mannya g'ekika, nga ogaseeko essiga n'omutuba. Olusi olowooza nti omanyi amannya g**'**ekika kyo, naye nga obumanyirivu bwo bukoma kumannya maatikirivu gokka. Kasule ne Nakayiza ogawulira bulijjo, naye wali owulidde ku Ssekabuuza ne Nabufuufu? Amannya gano ana gonna gakika nessiga limu (ngeye). Tojja kulowooza kulinnya ly'otawulira ngako. Wabula twandikimanye nti gyetukoma okulagajjalira amannya agatali maatikirivu, gyetukoma okugadibya..

Awalala obugayavu webulabikira kwekwagala okwewala amannya amawanvu, era agatasalibwako oba agatayimpayizibwako. Erinnya Ssebuliba terisalibwako, tugambe okufuuka Sebu oba Liba. Ssebuliba bwaba nga alina n'erya Thomas, yekazako oba bamukazako Thomas, kuba lyo lifuuka Tom. Olwonga erinnya ery'ekiganda lizisse. Tom bwaba ng'alina erinnya ly'amaka (family name), tugambe Male, amannya ga Tom gafuuka Tom S. Male. Emirundi egisinga omuze gw'okusirisa n'okuyimpaya amannya

gutandikira ku bazadde. Abazadde bebalonda amannya g'omwana, era bebasalawo linnya ki erikala, nga bamuyita erinnya eryo oluberera, ate linnya ki erisirissibwa.

Ekijja Omanyi Kinyaga Bitono

Byetubadde twogerako wagulu byenyamizza. Singa tetubako kyetukola eby'obuwangwa bwaffe ng'Abaganda tujja kufuma bifume mubiseera ebitali byewala nnyo. Eky'omukisa omulungi obulwadde obuli ku mannya gaffe bwakimpowooze, era butegerekeka bulungi. N'olwekyo wakyaliwo akaagaanya okubufunira eddagala. Ebyandikoleddwa biggwa mumatuluba abiri, ekisooka, Okwenyumiriza mu by'obuwangwa bwaffe, ekyokubiri, Okuwagira okulu^gamya ebika byaffe.

Okwenyumiriza mu by'obuwangwa bwaffe kintu kikulu. Abaganda twavadda nga twenyumirizza mu by'obuwangwa bwaffe. Ebyokulabirako bingi, ngamulimu oluyimba lw'Obwakabaka bwa Buganda, amasiro ga Basekabaka, emibala gy'ebika, n'ebiggya byabajjajjaffe. Okweyisa nga Omuganda kyali kikulu. Ekiroopa Omuganda linnya lye. Twayagalanga nnyo okuyitibwa amannya gaffe amaganda olwokwenyumiriza mu ggwanga lyaffe nga Abaganda. Obutayagala kukuyita linnya Gganda kyekulunkiriza butenyumiriza mubyabungwabwo. Kisoboka okuba nti ekintu kino Abaganda abamu sibwebakitwala. Kino kitegeza waliwo endowooza nti Omuganda atayagala kweyita linnya lyakiganda akasobola okusigala nga akyenyumiriza muby'obuwangwa bw'Abaganda. Naye ki ekimugaana okweyita erinnya lye ery'ekiganda? Tusobola okwefumintiriza ensonga nyingi. Osanga Omuganda ono alowoza oba amanyi nti erinnya lye egganda limawula nnyo okuva ku banne batera okukolagana nabo. Emirundi egisinga omuntu eyenyumiriza mu by'obuwangwabwe aguminkiriza obuzibu bweyetikka olw'erinnya lye. Abatuuze mu America kino tukimanyi bulungi. Abayudaya benyumiriza nnyo muby'obuwangwa bwaabwe. Naye abasinga bakakanyaridde kumannya agekiyudaya, tugambe Solomon Horowitz. Abaganda naffe bwetwandikoze. Abaana bebasinga okusanga obuzibu. Erinnya eryenjawulo oba ekkalubo lisekereza omwana baana banne. Abazadde bebalina obuvunanyizibwa okukubiriza omwana obutakyawa linnya lye.

Okwenyumiriza mumpisa zaffe ez'ekiganda kwalabikiranga nnyo mukwetaba mu mikolo gy'ekinansi, naddala okwabya enyimbe. Nga ogyeko okusisinkana eb'ekikakyo n'abekika ky'abako (in-laws), omukolo gw'okusikira omugenzi gulina okulanya bujjajja bw'omugenzi. Wabaawo n'okwalula abaana, abaana bonna abakyaali abato webawebwa amannya amalala. Omukolo gw'okwabya olumbe mukulu nnyo, naddala mukiseera kino okutuuma n'okweyita amannya amaganda webiragajjaliddwa.Okwabya olumbe kusobozesa okusisinkanya bannakibuga ne Baganda banaffe abali mubyalo. Okulagajjalira amannya amaganda kubadde tekunatuuka mu byalo. Emikolo nga okwabya olumbe gijukiza abamu kuffe nti amannya amaganda gakyatuumibwa. Omuwandisi wano amanyidde ddala ekizibu ekiri e Buganda mukisera kino, ekiretedde okuyimpaya emisoso gyomulumbe, ate olusi nokujjirawo ddala omukolo gw'okwabya olumbe. Ekintu kino ky'ekimu kw'ebyo ebyetaagisa okusalirwa amagezi okuziyizza ebyobuwangwa byaffe obutasebengerera, ekyogerwako wansi.

Ekirala ekyetagisa okukolebwa okwongera abantu okujjumbira okutuuma n'okukozesa amannya amaganda kwekuwagira okugaziya ebimanyiddwa ku bika n'amannya g'Abaganda. Omugenzi Michael Nsimbi atunyonyola obuzibu bweyasisinkana nga awandiika ekitabo kye "Amannya Amaganda N'ennono Zaago". Okuwandiika ekitabo kye, Nsimbi yalina okutukirira abakulu b'ebika, amasiga n'emituba. Emirundi egiwerako okutukirira abataka abo kyali kizibu. Kirabika nti teyasobola kutukirira bataka bonna, kubanga mu kitabo kye Nsimbi ayogera ku bika asatu mumunaana (38) byokka. Wabula kirabika nti Abaganda tulina ebika nga amakumi atano malamba. Omuwandiisi wano abadde n'omuze okufuna kalenda eziriko ebika z'otera okusanga mu Kampala. Obungi bw'ebika buli awo wakati we amakumi ana n'amakumi atano. Wabula okubusabusa kubikwata ku buli kika olaba kirabe ku kalenda zino. Olumu akabbiro tekayogerwa. Ate olusi ekifo ky'obutaka kyekirekebwayo. Omuyimbi waffe omwatikirivu, Chritopher Ssebaduka, attontoma ebika atano mubibiri (52). Naye bwaba amaliriza yeetonda nti osanga yalekayo ebika ebimu. Era atubulira obuzibu bwebumu nga Nsimbi bweyatubulirako. Okutukirira abataka bonna kizibu ddala.

Ssebaduka alumiriza abataka okwongera amaanyi mukukulembera ebika by'Abaganda Mumazima, Ssebaduka omulanga agukubira ffe ffena Abaganda. Tulina okuwagira okulu^gamya ebikwata ku bika byaffe. Ngatugoberera Sir Apolo Kaggwa, Nsimbi, n'abalala abatonotono, twandyeyongedde okunonyereza ensibuka y'ebika byaffe. Tetusobola kutegera mannya nakugaganza ngatetutegera bika. Okunonyereza kubika kyetagisa nnyo okusobola okumanya amannya n'amakulu gago. Nsimbi yawa amakulu g'amannya wonna weyasobola. Naye amabanga agasigalira mangi nnyo. Si ekyo kyokka, olusi ebyamubulirwanga omutaka oba omumanyirivu omu nga bikubagana empawa nebyamuwebwanga omutaka oba omumanyirivu omulala. Mukisera kino waliwo amannya agatwalibwa nga ag'ekika ekimu naye agamala gatuumibwatumibwa. Osanga abakulu b'ebika balina okulu^gamya engeri abantu gyebabbulamu amannya. Omuwandiisi wano tayagala kwetulunkiriza olw'obutaba nabumanyirivu bumala, naye alowooza nti buli lw'otuuma erinnya eribbule, gattako ne ery'ekika. Mungeri eno, Kasirye bwatuuma muwala we erinnya Nabatanzi (erinnya lya nyina wa Kasirye), Nabatanzi lyandigattiddwako erinnya eddala, tugambe Nagitta. Olwo omwana ayitibwa Nabatanzi Nagitta.

Okunonyereza ku bika tekyandikomye ku mannya naye kwanditwaliddemu n'ebirala ebyetaaga okulu^gamya ebika, tugambe okukakasa obutaka bwabuli kika. Nga obutaka bukakasibwa, ab'ebika balina okwesiba ebbiri okubuyoyota buleme kusaanawo mu myaka gyomumaso. Osanga kyetagisa n'okubuliriza kubunene bw'ebika. Ebika ebigaziye ennyo ennyo osanga by'etagisa okusalibwamu.

Okunonyereza n'okuwandiika ku by'obuwangwa bwaffe byandibadde ku bintu ebikulu ebimu ebyandisidwako essira mu yunivesiti egenda okutandikibwawo ku lw'Obwakabaka bwa Buganda. Abanaddukanya yunivesiti eno balina okukubira omulanga Abaganda bonna abalumirirwa eby'obuwangwa bwaffe bagiwagire mungeri yonna gyebasobolamu.

Ssabasajja Kabaka Awangaale.